# Abawunguzi b'Ettu lya Idd erya Bukedde balondebwa leero

Bya MUSASI WA BUKEDDE

ABAWANGUZI b'akazannyo ka Bukedde ak'Ettu lya Iddi balondebwa leero okufuna abagenda okwewangulira ebyassava bya Iddi mu kukomekkereza omwezi gw'ekisiibo omutukuvu ogwa Ramadhan.

Okulonda akalulu kugenda kuweerezebwa butereevu ku Bukedde ttivvi era amannya g'abawanguzi gafulumire mu Bukedde w'Olwokubiri enkya.

Omukung'aanya wa Bukedde Michael Mukasa Ssebowa yeebazizza abeetabye mu kazannyo kano n'agamba nti mu mutima gwa Bukedde omugabi, baagadde Abasiraamu bajaguze bulungi Iddi eno nga bagabanye ku byassava. Kino kyakoleddwa bwe kityo nga kkampuni ya Vision Group efulumya ne Bukedde, egenderera okwebaza Abasiraamu olw'okutambula nayo emyaka 40 gy'emaze ng'eweereza Bannayuganda



Bukedde abadde afulumya akakonge buli lunaku ku muko ogwokubiri nga kano ke kabadde kajjuzibwa era mu bukonge buno, abasomi bwe bazze bajjuza mwe mugenda okulondebwa abawanguzi.

Empaka zino zibadde ziwagirwa Bukedde ffamire omuli Bukedde Olupapula, Bukedde TV ne Bukedde FA MA Embuutikizi wamu ne kkampuni ya Chapa General Enterprises abakola siyaagi wa Prestige Margarine.

Bannamukisa baakwewangulira ebyassava omuli; omuceere, enkoko, butto, ettooke, siyaagi wa Prestige Margarine n'ebirala.